
Mike Lwanga

# Owa Uganda Cubs afiiridde mu bulumi

Bya HUSSEIN BUKENYA

OMUZANNYI wa Uganda Cubs, ttiimu y'eggwanga ey'abali wansi w'emyaka 17, Mike Lwanga aziikwa leero e Bukomansimbi mu Buddu. Lwanga abadde azannyira ne Proline Academy, yafudde Lwamukaaga nga yasemba okuyitibwa nga Uganda yeetegekera okugenda e Qatar mu World Cup ya U17, gye yakomye ku luzannya lwa ttiimu 16. Lwanga teyagenda na ttiimu eno.

Yafudde kirwadde kya nsigo n'ekibumba ebyazimbye ne biremesa omutima okukola obulungi. Nnannyini Proline, Mujib Kasule yategeezezza nti baagezezzaako okulwana ku bulamu bwa Lwanga naye Katonda bwatyo bwe yasazeewo n'agattako nti Lwanga abadde muzannyi mulungi nnyo.